# 116 bawangudde ebya Gabula Ssekukkulu mu Vayibu

Bya KIZITO MUSOKE

BANNAMUKISA abawererera ddala 60 be baawangudde ebirabo bya *Gabula Ssekukkulu mu Vayibu* ku kalulu akasembyeyo akategekebwa *Bukedde* ekiwezezza omugatte gw'abawanguzi 116.

Hussein Mutebi, ow'e Kalamba-Kiganda ye yawangudde ekirabo ekisinga obunene eky'ekyapa ky'ettaka erisangibwa e Gobero ku lw'e Hoima, eryaweereddwaayo kkampuni egula n'okutunda ettaka eya B.Clara H Property Services Ltd. Akalulu kaakwatiddwa ku kitebe kya *Vision Group* nga kaaweerezeddwa butereevu ku *Bukedde TV* ng'ensi yonna eraba.

Abantu mwenda, baawangudde ttivi enzijuvu ezaaweereddwaayo aba StarTimes nga kuliko dikooda, ekisowaani, n'ebbaati ly'amasannyalaze g'enjuba.

Kw'ogatta n'abawanguzi abalala 50 abaawangudde amatu omuli; enkoko kawoomera eza kkampuni ya Ugachick, enkota y'ettooke, ebyokulya, ebyokunywa, n'ebirala ebyeyambisibwa mu kufumba.

Omukuŋŋaanya wa *Bukedde*, Michael Mukasa Ssebbowa yayozaayozezza abaawangudde na bonna abeetabye mu kalulu be yagambye ntị bonna bawanguzi kuba amawulire agali mu *Bukedde* bw'omugula tosigala kye kimu.

Mu ngeri y'emu, yeebazizza n'abavujjirizi abaakwataganye ne *Bukedde* ne basobola okusiima abasomi b'olupapula lwa *Bukedde*, abawuliriza ba *Bukedde FM* n'abalabi ba *Bukedde TV*.

Ssebbowa yasuubizza nti *Bukedde* ejja kugenda mu maaso n'enkola y'okuddiza ku bantu abagiwagidde bulijjo mu biseera bya Paasika, Idd, n'ebirala.

Abawanguzi b'eggulo beegasse ku balala abazze bawangula mu bululu obuzze bukwatibwa buli wiiki era bonna bajja kuweebwa ebirabo byabwe ku Mmande nga December 22, 2025 ku kitebe kya *Vision Group* ku ssaawa 4:00 ez'oku makya.

Buli muwanguzi asabiddwa okutambula n'ebimwogerako nga densite y'eggwanga ebikakasa nti ye muntu omutuufu.

Dayirekita wa B.Clara H Property, Herbert Senyonga abaawaddeyo ekyapa ky'omuwanguzi yeebazizza *Bukedde* olw'okubakkiriza ne batambulira wamu n'abantu bonna ababawagidde mu 2025.

Kitunzi wa Ugachick, Tonny Kimbugwe yagambye nti buli muwanguzi agenda kulya ku nkoko zaabwe kawoomera. Kyokka n'abataawangudde, yabasabye bagende mu supamaketi zonna ezibali okumpi beefunire ku nkoko eziri mu buzito obw'enjawulo nga kkiro ettaano, essatu, ebbiri, n'emu.



Abakozi ba Bukedde; Kigobero (ku kkono), Siraje Kizito. Baddiriddwa Ssennyonga owa B.Clara H Property Services, Tonny Kimbugwe owa Ugachick, omukuŋŋaanya wa Bukedde, Micheal Mukasa Ssebbowa (akutte akazindaalo) ne Josephat Sseguya. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.